# »SLM07 Ebinnya ebiregamya amazzi ng‘osimbye ebirime«

Ebinnya ebiregamya amazzi ng‘osimbye ebirime byangu okukola era nkola ya migaso gya njawulo mu bugwanjuba bwa Africa okuva mu 1980.

Enkola yali nnyangu okutegeera era abalimi baagisanga nga ebasikiriza kuba yabasobozesa okukolera awamu mu bibinja. Ensalosalo y‘esooka okuteekebwawo n‘omudumu gw‘amazzi olwo ettaka ne liteekebwa mu maaso okukola ekitundu ky‘omwetooloolo ng‘okozesa obusongezo ku nsalosalo. Ettaka litemebwa era ttaka ne lirimibwa wabweru era ebigimusa ne bigattibwa mu ttaka.

## Ensiga y‘ensigo ennungi

Ensigo z‘omuddo zisigibwa olw‘ensonga nti enkuba bw‘ettonnya mukoka akwatibwa era n‘akuumibwa mu binnya olwo n‘annyikira mu ttaka ekireetera omuddo okukula obulungi. Endokwa zirabirirwa abalimi era n‘eyitibwa enkola ekkirizisa ebimera okumera mu ngeri eyoobutonde nga biva mu nsigo ezaaterekebwa mu ttaka oba okuva ku nkonge z‘emiti naye nga tebisimbiddwa. Ebizibu abalimi bye basanga kwe kubeerawo kw‘ebigimusa ebikolerere mu binnya ebyo.

## Embeera z‘obutonde endala

Ebinnya ebiregamya amazzi ng‘osimbye ebirime bisobola okukola ebintu eby‘enjawulo. Byanguya okumeruka n‘okukula kw‘emiti ginnansangwa. Byangu bya okusima ate bisoboka. Bisobola okukozesebwa ku birime, omuddo oba emiti era bifuuse enkola ya tekinologiya eyeesigamwako okutereka amazzi mu bitundu ebiriraanya eddungu Sahara.

Okukungaanya amazzi okuyita mu binnya bino kiyamba okuzza embeera y‘obutonde mu bifo ebirime we byali byasaanyizibwawo

ekyeya ekiyamba abantu n‘ensolo okufuna emmere.